# Omuzaalisa ayogedde ku bya bbeebi 'eyazaaliddwa' n'omudaali

Bya SIMON SSEKIDDE



Omwana agambibwa okuzaalibwa ng'akutte omudaali.

EBY'OMUKAZI w'e Gomba eyazadde omwana agambibwa okuva mu lubuto ng'akutte omudaali ogw'Abakatoliki byongedde okukubaganya abantu empawa, Mulerwa eyamuzaalisizza by'ayogedde ebibatabudde.

Omwana ono ow'obulenzi yazaaliddwa ku kyalo Ssali, mu muluka gw'e Bukandula mu ggombolola y'e Kabulassoke e Gomba, nga kigambibwa nti, yavudde mu lubuto lwa nnyina nga mu kibatu kye eky'omukono ogwa ddyo mulimu omudaali!

Maama w'omwana ono Sylvia Nakalanzi nga bba ye Jonan Kakuru, omwana yamuzaalide mu maka ga mulerwa amanyiddwa nga mukadde Lovinsa Najjemba ng'emirimu gye agiddukanyiza mu kabuga k'e Bukandula.

Bukedde yatuukiridde Mulerwa Najjemba n'annyonnyola nti, omwana yazaaliddwa ku ssaawa nga mukaaga, ez'ekiro ekyakeesa olunaku Olwomukaaga, era ye yamusaze ekirira okuva ku kyenda kya nnyina, kyokka ye teyalabye mudaali ogwogerwako.

Najjemba, yannyonnyodde Bukedde ebya bbeebi okuba nti, yabade akutte ekintu ekyefaananyiriza omudaali mu ngalo yakiwulidde luvannyuma era naye ne yeewuunya kubanga abadde takirabangako bukya atandika kukola mulimu guno.

Kyokka Nakalanzi (maama wa bbebi) n'okutuusa eggulo yabadde akyalumiriza nti, bwe yamaze okusumulukuka yeewuunyizza okulaba omwana ow'obulenzi gwe yabadde amaze okuzaala ng'akute omudaali mu ngalo ze.

Nakalanzi ne bba Kakulu, ekyabatuuseeko bakinyumya bakidding'ana nga nabo baategeezezza nga bwe baasoose okusoberwa wadde nga kati bafunye essanyu olw'abantu abangi ababagumya ssaako okubawa amaanyi ssaako okubazzaamu essuubi.

### OMWANA TAKKIRIZA KUMUGGYAKO MUDAALI - NAKALANZI

Nakalanzi agamba nti, omwana ono akyagenda mu maaso n'okumwewuunyisa nti, kubanga takkiriza kumuggyako mudaali gwe guno gw'agambibwa okuzaalibwa nagwo nti, era omuntu oluba okugumuggyako ng'akaaba bwe bagumuddiza ng'asirika.



Omudaali bwe gufaanana.

Agattako nti, mu kiro nga beebase w'omanyira nti, omudaali gumuvudde mu ngalo kwe kukuba omulanga ogw'amaanyi ng'omuntu omukulu nti, wabula bwe bagumuddiza ng'addawo yeebaka ekintu ekikyabasobedde.

Bangi ku batuuze abaakung'aanye beewuunyizza engeri omwana ono ow'essaawa obusaawa ku nsi gy'akwatamu omudaali guno n'agulemera ssaako okuguzannyisa mu ngeri eringa eyagala okugulaga abaagala okugulaba.

Ekyatabudde abatuuze kwe kuba nti, abazadde bombi wadde nga balina amannya ag'ekikatoliki, tekuli alinnya mu ssinzizo. Kakuru, wa nzikiriza ya Bakristaayo, ate nnyina w'omwana wadde nga Mukatoliki talinnya mu Eklezia olw'olugendo oluwanvu okuva we bali.

Bano bagamba nti, bakyasobeddwa ku linnya ettuufu ery'okutuuma omwana waabwe eyazze mu ngeri y'ebyewuunyo.

Nnyina w'omwana ono, agamba nti, bwe yali olubuto yawuliranga ekintu ekimusala ng'omwana yeekyuusa nga kati alowooza nti, oba oli awo, gwali mudaali omwana gwe yali akutte mu ngalo.

Abantu ab'enjawulo baatandiseda okugenda okweyoolera emikisa ku mwana ono nga bakira batwalayo ssente ssaako okufukamira okweyoolera ku mikisa okuva eri ebbujje lino bakira abamu lye baatuumye Yezu.